

**8<sup>th</sup> January 2017.**

**ENNYANJULA Y'EKITABO KYA DANYERI; EKITIIBWA  
N'OBUYINZA BWA MUKAMA KATONDA.**

Nga bwe tuzze tutegezebwa, omwaka guno mu nsomesa zaffe buli lunaku lwa Mukama nga leero, olwa ssabbiiti, tunaasomesebwanga okusinga okusenziira mu kitabo kya Danyeri.

Ekitabo kino kikulu nnyo mu ndagaano enkadde olw'obwaatiikirivu bw'obunnabbi bw'amu obwaaweebwa Danyeri Mukama Katonda waffe era owa Isirayiri mu kyaasa eky'omukaaga (600BC). Era olw'okutuukirizibwa kw'abwo obutereevu bangi baawakanya amazima g'ebyawandiikibwa Danyeri n'obukakafu bw'ekiseera mwe byawandiikibwa, naye nga bwe guli, obutakkiriza bwe busikiriza endowooza ng'ezo, era bingi ebisaanyizzaawo obutuufu bw'obulimba obwo, okusingira ddala n'okuba nti ne Yesu Kristo kkennyini ng'alagula ku biribaawo mu biro by'enkomerero, mu Matayo 24:15 yakakasa ebyawandiikibwa Danyeri ng'alabula Abayudaaya nti "Kale bwe muliraba eky'omuzizo ekizikiriza, Danyeri nnabbi kye yayogerako, nga kiyimiridde mu kifo ekitukuvu,....." n'ayongera okubalabula bwe guliba.

Danyeri, awamu ne banne, ng'abavubuka baawambwa ne batwaalwa kabaka Nebukadduneeza e Babulooni, Yuda bwe yalumbwa Abababulooni, mu kusalirwa omusango Mukama Katonda olw'obujeemu gyaali, ng'omwo mwe mwaali n'okunyagulula Yeekaalu ya Mukama ne batwaala eby'amu ebituukirivu ebimu e Babulooni awamu n'abavubuka embula kalevu abaali abalonde mu bonna, abalungi okubasomesa empisa n'engeri z'ekibabulooni bakozezebwe obwakabaka obwo.

Wabula bana ku bawanjanguuse bano, okuli Danyeri ne banne Kananiya, Misayeri, ne Azaliya baasalawo okubeera abeesimbu eri Mukama Katonda wa Isirayiri obuttavvoola kitiibwa kye era okumweesiga basinzenga yye yekka mu buvumu obutagambika era ebyaavaamu bye tunaalaba mu bulambukufu nga tusomesebwa. Era nga mu Baibuli yonna Danyeri ne Yusufu be basajja ababiri abatoogerwaako nsobi yonna mu bulamu bwaabwe, kubanga ne gyebujja tunaalaba nti yalina abasekeeterezi abaafuba ennyo okumulemesa nga bamunooyaako ensobi ne balemwa.

Danyeri ku bubwe yali mumalirivu nnyo obuteeyonoonyesa bya maluvu by'ebabulooni era nga musabi nnyo, era omwegendereza, eky'amuleetera okuweebwa amagezi amayitirivu n'obusobozi okuvvuunula okwolesebwa okw'engeri zonna, n'ebirooto era nga bwe tunaalaba.

Yawangaala nnyo era n'asobola okuweereza mu bwaakabaka bw'abababulooni awamu n'abamiidi. Era bannabi nga Ezeekyeri, Kaabakuuku, Yeremiya, ne Zeffaniya baalagulanga mu biro bye, wadde bbo tebaali naye mu buwanjanguuse.

Era kinkyamulamu kko okumanya nti naye yasoma mu Yeremiya n'ategeera ebiro by'okutuukirizibwa kw'okwagala kwa Mukama eri Isirayiri, nga naffe bwe twalunjamizibwa ku ntandikwa y'omwaka ssabbiiti ewedde ku lusooka, ne yeewaayo asabe amukoowoole akutuukirize nga bwe yasubiza!

Ku bwange nnina ekitabo ky'enteekateeka okuwandiika nga Mukama akkirizza n'ansobozesa " The God Made Man". Ng'ansiinziira nnyo ku bulamu bwa Danyeri.

Omulamwa omukulu gw'ekitabo kino kwe kuzzaamu amaanyi abantu ab'emyaka egy'enjawulo abanyigirizibwa mu nsi, nga kiwa obukakafu nti Mukama Katonda afuga emirembe n'emirembe era enteekateeka ze zibeerera emirembe gyonna, kubanga Ye mutegesi wa byonna era Ye w'obuyinza obw'enkomeredde mu bufuzi bwonna...

Kino ky'atulwa entakera mu kitabo kino, era kiragwa mu by'amagero ebiwerako, n'obunnabbi obumu ku bbwo obwaatuukirizibwa edda ku katonnyeze, ng'obw'omu ssuula 11, obusukka ku kikumi ku bbwo obwaatuukirizibwa.

Mu byonna, mu kitabo kino tubuulilirwa, ne tuyigirizibwa, era ne tulunjamizibwa eri obutuukirivu, tube abatuukiridde eri Mukama Katonda waffe ow'ekitiibwa n'obuyinza obw'enkomeredde nga ddala tulina byonna eby'etaagibwa okukola buli mulimu omulungi.....

Mbakubiriza okweewaayo tubuulirirwe, tuyigirizibwe, era tulunjamizibwenga Omwooyo wa Mukama, nga kye kinaatumumanyisa n'okuba n'okwolesebwa kw'ekitiibwa kye n'obuyinza bwe mu bulamu bwaffe tubeere ddala abatuukiridde gyaali n'eri ensi , tubeere ttabaaza era omunnyo ogw'ensa omwaka guno gwonna n'ebiro by'obulamu bwaffe byonna ebiggya.